# Ebibuuzo bya P7 eby'Abasiraamu bifulumye

Bya HANNINGTON NKALUBO

EKITEBE ky'Obusiraamu e Kampalamukadde kifulumizza ebibuuzo bya P7 ng'amasomero mu Masaka, Luweero, Wakiso ne Kampala geeriisizza nkuuli.

Abayizi 5,287 baayitidde mu ddaala erisooka, 1,684 mu lyokubiri, 278 mu lyokusatu ate 211 ne bayitira mu lyokuna. Ku mugatte gw'abayizi 7,759 abeewandiisa okubikola, 12 be baagudde.

Ebibuuzo baabifulumizza eggulo ku Mmande e Kampalamukadde nga baabikwasizza omumyuka wa Muft, Dr. Mohammed Haruna Bukenya, ssentebe w'olukiiko olufuga ebigezo Sheikh Amir Katudde, akulira ebyenjigiriza, Juma Bakhit n'omuwandiisi Ali Aruma.

Omuwandiisi w'olukiiko olufuga ebibuuzo, Ismail Kazibwe ye yabisomedde ábakulira amasomero. Yalangiridde abayizi 20 abaasinze okuli Abdul Muteesaasira, Ukasha Mutyaba ne Amir Katudde Neimer aba Lufuka Quality Islamic P/S. Hilal Nsubuga ne Sulainah Nalubwama aba Ibun Hamis Islamic SSS, Abdul Wahab Alike owa Madrasat AlGraba , Abdulrahman Kalule Ne Abdulrahman Kyambadde, aba Alhijirah P/S.

Abalala ye Shafiq Ssali, Salim Saudia, Rashidah Nalujja, Muhusina Ndagire, Taqqiyah Mukisa, Sumayah Mukisa, Jamirah Yasin Kirunda, Zaituni Mbatudde ne Rehema Nantambi.

HANNINGTON NKALUBO




Amir Kassim (ku kkono) ng'akwasibwa ebyavuddde mu bibuuzo by'Abasiraamu.